# Abayizi basimattuse okufiira mu kabenje

Bya SAMUEL KANYIKE

ABAYIZI bana ab'essomero lya St. Peter's SS Naalya baddusiddwa mu ddwaaliro okufuna obujjanjabi oluvannyuma lwa mmotoka mwe baabadde batambulira okutomeregana bwenyi ku bwenyi ne loole.


Christabella Awori, Claudia Namukasa, Margaret Atwone ne Prudence Tumugabirwe be bapooca n'ebisago.

Omwogezi wa poliisi mu Savanna, ASP Sam Twineamazima yategeezezza nti, akabenje kaagudde ku kyalo Kakindu mu ggombolola y'e Wabinyonyi mu Nakasongola ku luguudo oluva e Kampala okudda e Gulu ku Ssande ku makya.

Kyaddiridde mmotoka ekika kya Fuso UBQ 935Y eyabadde eva e Kampala okudda e Gulu okugezaako okuyisa loole y'amafuta, n'eyambalagana ne Costa UBK 257F eyabadde eva e Gulu okudda e Kampala omwabadde abayizi.

Twineamazima yagambye nti, akabenje kaavudde ku yabadde ayisa okuvuga endiima n'alaajanira abavuga ebidduka ku nguudo mwasanjala okubeera abeegendereza nga bayisa n'okugondera amateeka g'oku nguudo omuli n'okusoma obupande.

• Ebidduka ebyakoze akabenje byatwaliddwa ku poliisi e Katuugo okwekebejjebwa ng'okunoonyereza bwe kugenda mu maaso.




Emmotoka abayizi ba Naalya SS mwe baabadde batambulira.